EBITUUFU KU BIRUNGI N'EBITUVUNANYIZIBWAKO ERI BA SWAHAABA

< LUGANDA >

KYAWANDIIKIBWA:
SHEIKH:
ABDALLAH BUN SWALEH AL QUSWAIR

KIVVUNUDDWA:
FAROOQ ABDULNOOR NTANDA

KYEKENENYEZEDDWA:
ABDULRAHMAAN IBRAHIIM MUKISA

الإصابة

في فضائل وحقوق الصحابة

رضي الله عنهم

المؤلف:

الشيخ: عبدالله بن صالح القصير

ترجمة: فاروق عبدالنور انتاندا

مراجعة:عبدالرحمن إبراهيم موكيسا

EBIRI MUNDA

ENNYANJULA

Amatendo amalungi amajjuvu ga Allah, omulezi webitonde byonna, n'enkomerero ennungi eri abo bokka abamutya, era obulabe n'obukyaayi buli eri abo abalyazamaanyi, nkakasa nti teri asiinzibwa mubutuufu okujjako Allah, atalina kimwegattako kyonna mukusiinzibwa kwe, Alina obwakabaka obw'amazima obweyolefu, nenkakasa nti Nabbi Muhammadi (s.aw) muddu we era mubaka we, oyo ow'amazima omwesigwa, era omubuulirize omunnyonnyofu, eyatumwa n'amazima, omutiisa, omusanyusa eri abantu bonna nga kyakusaasira eri abakkiriza era nga teri kwewolereza eri omuntu yenna oluvannyuma lw'okujja kwe, nsaba Allah amusseeko emirembe n'okusaasira kwe n'eri abantu be ne baswahaaba bonna abo abaamukkiriza, ne bamutaasa, nebamusenza nebagoberera ekitaangala ekyo kye yaggya nakyo, era bbo beb'okwesiima:

Mazima ebimu kubintu ebyeyawulidde nabyo ba swahaaba, Kwekuba nti Allah y'abasiima n'abafuula Abagoberezi (Abayigirizwa) B'omubaka Muhammad (s.a.w) oyo ow'enkomerero muba Nabbi, era Omukulembeze w'ababaka bonna. Nekiba nti omulembe gwabwe gwegusinga obulungi mukibiina kya Nabbi kubanga bbo gwe mumuli gwaffe, era lwelujegere olututuusaako amateeka g'obusiraamu (Saharia), bebakulembeze mukumanya obusiraamu

n'okubukolerako, era nga be baasinga okulwana mukkubo lya Allah. Nga n'obumu kubujulizi ebweyolefu obulaga obulungi n'ekifo kyabwe ekyawaggulu:

a. Kwekuba nti Allah yabawaana mu Qur'aan eyekitiibwa n'abakakasaako okuba abasiraamu abajjuvu, abakkiriza abalongoofu era n'abasanyusa n'okusonyiyibwa, n'okusiimibwa, wamu n'ebyengera ebyenjawulo mwebyo Allah byeyategekera abaddu abamugondera mu Jjanah.

b. Okujulira Kwa Nabbi (s.a.w) gyebali nti ba mu Jjanah n'okunnyonnyolaakwe obulungi bwabwe eri emirembe gy'ekibiina kye egisigadde n'ebintu ebirala ebiringa ebyo ebyagya butereevu okuva mu Qur'aan ne mu Sunnah za Nabbi (s.a.w) eziddingana (ensonga eyo) mumakulu nemubigambo.

c. Kwe kwegatta kw'abasiraamu ku bulungi n'ekifo kyabwe ekyawaggulu mukibiina kya Nabbi (s.a.w)

Ekitiibwa, n'eddaala lyabwe eryawaggulu, n'ekifo kyabwe mukibiina kya Nabbi byebimu kubintu ebitayinza kuyisibwako maaso eri omuntu yenna omwenkanya omutegeevu n'okusingira ddala nga mukkiriza. Newankubadde nga waalabikawo kumulembe guno abantu abogera ku ba swahaaba nga bweba baagadde, n'okukakkanya abamu kubo, oba okubogerako n'obukendeevu, naye ebyo byonna bifundikirira mu kulimbisa Allah owekitiibwa, n'okulengezza obubaka bwa Nabbi (s.a.w) ate nga tayogera nakwagala kwa mutima gwe, n'okunojjola olujegere olututuusako amateeka n'okwabuluzaamu

ebyawandiikibwa ebikakafu, n'okubuzabuza abavubuka ba Ummah, n'okusembeza abonoonefu, n'okusanyusa abalabe b'obusiraamu.

Naye ebyo byonna tebikolebwa okujjako omuntu yenna atamanyi byakola oba abutikiddwa obunnanfuusi, ayolesa okunoonyereza n'okukakasa nga abisse obubi bwe, n'obunnaanfuusi, so nga ebikyamu byonna omuntu byakola bidda eri omwoyo gwe singa afa nga teyenenyerezza Allah. Era nga Allah amanyi abo abonoonyi. Allah yagamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿وَٱللَّهُ يَعۡلَمُ ٱلۡمُفۡسِدَ مِنَ ٱلۡمُصۡلِحِۚ ﴿٢٢٠﴾﴾ البقرة: ٢٢٠

{Ne Allah amanyi omwonoonyi n'alongoosa}

Allah era yagamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿إِنَّ ٱللَّهَ لَا يُصۡلِحُ عَمَلَ ٱلۡمُفۡسِدِينَ ﴿٨١﴾﴾ يونس: ٨١

{Mazima Allah talongoosa mirimu gya bonoonyi}

Era Allah yagamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿إِنَّ ٱلَّذِينَ يُلۡحِدُونَ فِيٓ ءَايَٰتِنَا لَا يَخۡفَوۡنَ عَلَيۡنَآۗ أَفَمَن يُلۡقَىٰ فِي ٱلنَّارِ خَيۡرٌ أَم مَّن يَأۡتِيٓ ءَامِنٗا يَوۡمَ ٱلۡقِيَٰمَةِۚ ٱعۡمَلُواْ مَا شِئۡتُمۡ إِنَّهُۥ بِمَا تَعۡمَلُونَ بَصِيرٌ ﴿٤٠﴾﴾ فصلت: ٤٠

{Mazima abo abawalaaza empaka mububonero bwange (nebakwata ekkubo ekyamu) tebatwekweese (tubalaba) Abaffe oyo alikasukwa mu muliro y'asinga obulungi, oba oyo alijja ng'ali mumirembe kulunaku lw'okuyimirira (mu maaso ga Allah) mukole bye mwagala. Mazima ye (Allah) alaba ebyo bye mukola**}.**

Bakimanye abo ababuyabuya abakola ebyo n'ababafaanana nti ba swahaaba Allah yasiima kubo b'alinga bw'olaba emmunyenye zokuggulu balungama

nabo abo abalina okutegeera era tebakosebwa nakuboggolerwa kwa mbwa. Era mazima Allah abalwanirira nebaba nga baawona okuba abakyamu. Allah yagamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ إِنَّ ٱللَّهَ يُدَٰفِعُ عَنِ ٱلَّذِينَ ءَامَنُوٓاْۗ إِنَّ ٱللَّهَ لَا يُحِبُّ كُلَّ خَوَّانٖ كَفُورٍ ٣٨ ﴾ الحج: ٣٨

{Mazima Allah alwanirira abo abakkiriza. Ddala Allah tayagala buli mukumpanya omuwakanyi}.

Era Allah yagamba

﴿ لِيَغِيظَ بِهِمُ ٱلۡكُفَّارَۗ ٢٩ ﴾ الفتح:

{Anyiize nabo abawakanyi}

Tebalina kunyiizibwa, oba okukakkanyizibwa wadde okusatuukira mukitiibwa kyabwe nga bali muntaana z'abwe okujjako oyo (abakolako ebyo) nga munnanfusi omuwakanyi oba omwonnonefu atakkiriza ngako. N'olwekyo mpandiise ekitabo kino ekikwata ku ba swaahaba ba Nabbi صلى الله عليه وسلم nsobole okutuukiriza ebivunanyizibwa byabwe n'okubuulirira Ummah eno ebibakwata ko n'okusaasaanya obulungi bwabwe, n'okulungamya oyo abadde abuzaabuzibwa kubibakwata ko nga nyinyonnyola bbo be b'ani, ekifo kyabwe, obulungi n'ebirungi byabwe, ebivunaanyizibwa byabwe eri Ummah, n'enzikiriza ya ba ahali sunnah kubo, nga nsasaanya obulungi bwabannanyi birungi, n'okujjukiza oyo yenna abelabidde, n'okunyiiza abo

bannannyini busungu n'ensaalwa kubo. Allah nga ye mubeezi wange kwekyo.

SWAHAABA Y'ANI?

Swahaaba oba swahaabiyat, ye muntu yenna eya sisinkana Nabbi (s.a.w) n'amukkiriza era naafiira kwekyo.

Imaam Al Bukhar –Allah amusaasire- yagamba:

من صحب النبي صلى الله عليه وسلم أو رآه من المسلمين فهو من أصحابه

Oyo yenna eyaliko ne Nabbi (s.a.w), oba n'amulabako, mubasiraamu abeera muba swahaaba be.

Nekiba nga kitegeeza nti okubeera swahaaba kirimu engeri bbiri, ebuna ne eyeyawulidde, embeera ebuna ezingiramu oyo yenna eyalaba ku Nabbi era n'amukkiririzaamu, era yensonga lwaki bagamba nti naliko naye omwaka, oba omwezi oba esabbiiti (esande) oba essaawa n'ebirala ebiringa ebyo byeyeyawulidde nabyo oyo yenna ateendebwa n'ekitendo ekyokuba nti yaliko n'omuntu eri oyo abaddeko naye.

Abamanyi baffe abasinga obungi bagamba nti:

كل من صحب النبي صلى الله عليه وسلم أفضل ممن لم يصحبه مطلقا, فإنه حصل لهم بالصحبة بالدرجة أمر لا يساويه ما يحصل لغيرهم بعلمه وعمله, ولم يبلغ أحد مثل منازلهم التي أدركوها بصحبة النبي صلى الله عليه وسلم.

Buli muntu yenna ayali swahaaba wa Nabbi (s.a.w) yasinga obulungi kwoyo ataali swahaaba, kubanga ekyobeera ba swahaaba ba Nabbi, kyabassa

muddaala erya waggulu eritasoboka kwenkanika oba kutuukikako muntu mulala yenna olw'okumanya kwe oba olw'emirimu gye, era teri muntu yenna atuuka muddala lyabwe ne mubifo byabwe byebaafuna olw'okubeera ba swahaaba ba Nabbi (s.a.w)

Omugaso: Kigambibwa nti omuwendo gwa ba swahaaba -Allah yasiima kubo bonna- guli emitwalo kumi n'ebiri mu enkumi nnya. (124000) era nga eyasembayo okufa mubo bamuyita **Abu Latwiif Amir bun Waathila Al Laithy**. Nga Imaam Musirimu –Allah amusaasire- bweyakisimbako essira nti mukiseera ekyo yalina emyaka kikumi (100) ate abalala nebagamba nti yalina emyaka kikumi mu abiri (120).

ENSONGA LWAKI BA SWAHAABA MBOGERAKO N'OBULUNGI BWABWE OBWETTEEKA GYEBALI MUNZIKIRIZA YA BA AHALI SUNNA WAL JAMA'A

Oluvannyuma lw'okuzulibwawo kwekibinja kya Bakhawaalij abo abakaafuwaza ba swahaaba Ali bin Abi Twalib, Mua'wiya, Amur bin Al a'si, n'abalala –Allah yasiima kubo- mumbeera z'obukulembeze, wajjawo Akabinja akayitibwa Raafidha ak'asukulumya Ali n'abantu benyumba ye okusingira ddala, n'abamu ku bantu benju ya Nabbi (s.a.w), wamu ne ba swahaaba abatonotono, n'okwesamba oyo yenna atali mwabo. Newabaawo okutwaliza awamu Bakhawaalij, ne ba Raafidha, n'abalala abafaanana bwebatyo, ekitiibwa kya ba swahaaba kyakendeerera mukubavuma n'okubajoloonga, no'kuwewula eddiini n'enzikiriza yabwe, n'okubuusaabuusa obunyevu bwabwe kwebyo Nabbi (s.a.w) byeyabalekako mu ddiini, ekyo nekiviirako

okutandika okuwakanya ebirungi byabwe oba okugamba nti baakola (oluvannyuma lwa Nabbi) ebibyonoona nebisazibwamu, okutuusa abamu kwabo abazuuzi mu ddiini lwebaatuuka kussa erikaafuwaza abamu ku ba swahaaba –Allah yasiima kubo- okwo ssaako n'okubalwanyisa, n'okukkiriza okuyiwa omusaayi gwabwe, n'okutwaala emmaali yabwe, Ba Imaam ba ahali sunna wal jama'a baavaayo nebyo byeb'avaayo nabyo okutaasa eddiini ya Allah nensonga bbiri:

Esooka: Okunnyonnyola obulungi bwa ba swahaaba ba Nabbi (s.a.w), n'ebirungi byabwe, nekifo ne ddaala lyabwe mu ddiini ne mukibiina kya Nabbi, n'okubejjeereza kwebyo ebibapatiikibwako Bakhawaalij ne ba Raafidha n'abalala abababafaanana mwabo abazuula mu ddiini n'abagoberera okwagala kwemitima gyabye.

Ekyokubiri: Okunnyonnyola ebivunaanyizibwa bya ba swahaaba eby'etteeka gyetuli ffe nga abantu b'ekibiina kya Nabbi (s.a.w) n'okulaga obwennyini bwebyo byonna ebyagwawo wakati wabwe munjawukana, n'okwanukula abo abagoberera okwagala kwemitima gyabwe nabazuula mu ddiini.

EKIFO KYA BASWAHAABA MU UMMAH ENO

Teri kifo oluvannyuma lwabwa Nabbi kyawaggulu era ekyebbeeyi nga okubeera omu kwabo Allah beyasiima kubo okubeera ba swahaaba ba Nabbi (s.a.w) oyo owenkomerero mubabaka neba Nabbi, n'okutaasa nabo eddiini ye.

Mazima bbo –Allah yasiima kubo- bebasinga okuba mikwano gya ba Nabbi n'ababaka okutwalira awamu kyova olaba nti Nabbi (s.a.w) yagamba:

خير الناس قرني).

'Abantu abasing obulungi bakumulembe gwange'

Era eyo yensonga lwaki abamanyi baffe bonna beegatta kukyokuba nti ba swahaaba bebasinga obulungi kwabo abajja oluvannyuma lwabwe (Taabi uuna) mukibiina kya Nabbi (s.a.w), okumanya, n'okukukolerako, n'okukukkiririzaamu, n'okuba ababeesabeesa abalungi eri Nabbi, n'okuba nti bebaasooka eri buli kirungi teri kubuusabuusa nti baabutikira buli kirungi nebatuuka kubirubiririrwa, ne'kuntikko yabuli kirungi nga teri mulala atali wa mubo ayinza kibituukako kubasinga.

Mazima bbo be b'asooka okukkiriza Allah n'omubaka we, n'okusenguka n'okutaasa obusiraamu n'okukowoola abantu eri Allah, n'okulwana mukkubo lye n'okwagala Omubaka, n'okukkiriza nti byayogera by'amazima, n'okumugondera oluberyeberye nga obubonero obukakasa obubaka n'okutumwa kwe tebunnaba kusaasaana nnyo, n'okweyoleka kwokukowoola kwe wadde abayambi be n'abataasa be okuba n'amaanyi, songa n'abakkiriza baali baalubatu ate nga abamuwakanya baali bangi nnyo okuva muba nannyini kitabo (abayudaaya n'abakulisitaayo) wamu n'abashiriku. Era ba swahaaba b'awangayo emmaali yabwe n'obulamu bwabwe mukkubo lya Allah nga b'anoonya kusiima kwe. Mungeri efaanana bwetyo tezisobola kuba embeera zaabaakola ebyo byonna nga zezimu n'abalala wadde okugerageranya ekigero kyempeera y'omu kubo n'omuntu omulala yenna mu Ummah eno.

Hadiith nga eri mu swahiih Bukhari ne Musirimu Nabbi (s.a.w) yagamba nti:

"لا تسبوا أصحابي, فوا الذي نفسي بيده لو أنفق أحدكم مثل جبل أحد ذهبا, ما بلغ مد أحدهم ولا نصيفه ".

“Temuvumanga ba swahaaba bange, ndayira (Allah) oyo awaniridde omwoyo gwange mu mukono gwe, singa omu kummwe awaayo (asaddaaka) ekigero kya zaabu ekyenkana olusozi Uhudi tasobola kwenkana omu kubo wadde (okwenkana) ekitundu kye”.

Omuntu w’okwesiima yooyo akwata ekkubo lyebaakwata era n’agoberera obuwufu bwabwe, Nkulayirira Allah, abantu abo baatasa eddiini eno era Allah n’anyweza nabo enkondo za Ummah, nebaggulawo emitima n’ebyalo nebalafuubana mukkubo lya Allah mubutuufu bw’okulafuubana Allah n’abasiima nabo nebamusiima.

OBULUNGI BWA BA SWAHAABA

Ba swahaaba baasukkuluma kumirembe emirala gyonna n’okusooka kwabwe eri obusiraamu nga bwakatandika, n’okulwanirira okubwolesa wamu n’okubutuusa eri abantu abalala. Be baasooka okukkiriza Allah n’omubaka, nebakkiriza mukiseera ekyobugenyi (bw’obusiraamu) ne balwana mukiseera ekizibu, nebakowoola eri ekkubo lya Allah mumbeera ey’amagezi, nebawaayo emyoyo gyabwe nabuli kyabbeeyi kye baalina mukkubo lye, era nebaguminkiriza okunyiizibwa kwabo abokulusegere nab’ewala ne bekunganyirizaako ebirungi bingi nga mwebyo mulimu:

1: Okuba nti be b'asooka okuyingira mubusiraamu.

2: Okuguminkiriza mukiseera ekizibu enyo ekyakazigizigi.

3: Okuba ba swahaaba ba Nabbi.

4: Okusenguka (ne Nabbi) wamu n'okumusenza.

5: Okutaasa n'okulafuubana (mukkubo lya Allah)

6: Okuba abakulembeze mu kumanya n'okukukolera ko.

7: Okutuusa n'okusaasaanya eddiini.

Era obujulizi obulaga ebirungi n'obulungi bwa ba swahaabi bungi nyo nga mubwo mulimu:

A: Obujulizi obuli mu Qur'aan ey'ekitiibwa obwajja nga buwaana emirimu gyabwe egyettendo, n'okubasuubiza obuwanguzi n'empeera ennene eyamanyi n'okusiimibwa kwa Allah omulezi, era omugabi.

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿مُّحَمَّدٞ رَّسُولُ ٱللَّهِۚ وَٱلَّذِينَ مَعَهُۥٓ أَشِدَّآءُ عَلَى ٱلۡكُفَّارِ رُحَمَآءُ بَيۡنَهُمۡۖ تَرَىٰهُمۡ
رُكَّعٗا سُجَّدٗا يَبۡتَغُونَ فَضۡلٗا مِّنَ ٱللَّهِ وَرِضۡوَٰنٗاۖ سِيمَاهُمۡ فِي وُجُوهِهِم مِّنۡ أَثَرِ ٱلسُّجُودِۚ ذَٰلِكَ
مَثَلُهُمۡ فِي ٱلتَّوۡرَىٰةِۚ وَمَثَلُهُمۡ فِي ٱلۡإِنجِيلِ كَزَرۡعٍ أَخۡرَجَ شَطۡـَٔهُۥ فَـَٔازَرَهُۥ فَٱسۡتَغۡلَظَ فَٱسۡتَوَىٰ عَلَىٰ
سُوقِهِۦ يُعۡجِبُ ٱلزُّرَّاعَ لِيَغِيظَ بِهِمُ ٱلۡكُفَّارَۗ وَعَدَ ٱللَّهُ ٱلَّذِينَ ءَامَنُواْ وَعَمِلُواْ ٱلصَّٰلِحَٰتِ مِنۡهُم
مَّغۡفِرَةٗ وَأَجۡرًا عَظِيمَۢا ﴿٢٩﴾﴾ الفتح: ٢٩

{Muhammadi mubaka wa Allah, n'abo abali naye b'amaanyi (abavumu ddala) ku batakkiriza (kyokka nga) basaasiragana (n'okulumirwagana) wakati waabwe. Obalaba Ggwe nga bakutama eno bwebavunnama (mukusaala) nga banoonya ebirungi ebiva eri Allah

n’okusiima kwe. Obubonero bwabwe buli mubyenyi byabwe (nga buva) mu buwufu bw’okuvunnama (kulw’okusaala ennyo) Kino kyekifaananyi kyabwe (ekyawandiikwa) mu Tauraati (ekitabo kya Nabbi musa) n’ekifaananyi kyabwe (ekyawandiikwa) mu Njiri (Ekitabo kya Nabbi Isa)- (Bafaananyizibwa) nga ekisigwa ekiggyeeyo omutunsi gwakyo ne kikakata ku kikolo kyakyo nga (kiggumivu, kigimu) kisanyusa omulimi N’ekivaamu abasunguwaza abakafiiri (ku lw’okulaba abakkiriza nga bali batyo) Allah yalagaanyisa abo abakkiriza nebakola emirimu emirungi mubo okusonyiyibwa n’empeera ennene}.

Era Allah n’agamba mu a’ya endala:

قَالَ تعَالَىٰ: ﴿ وَٱلَّذِينَ تَبَوَّءُو ٱلدَّارَ وَٱلۡإِيمَٰنَ مِن قَبۡلِهِمۡ يُحِبُّونَ مَنۡ هَاجَرَ إِلَيۡهِمۡ وَلَا يَجِدُونَ فِي صُدُورِهِمۡ حَاجَةٗ مِّمَّآ أُوتُواْ وَيُؤۡثِرُونَ عَلَىٰٓ أَنفُسِهِمۡ وَلَوۡ كَانَ بِهِمۡ خَصَاصَةٞۚ وَمَن يُوقَ شُحَّ نَفۡسِهِۦ فَأُوْلَٰٓئِكَ هُمُ ٱلۡمُفۡلِحُونَ ٩ ﴾ الحشر:

{N’abo abaatebenkera (Ba-Answar) mukibuga (Madiina) ne mu bukkiriza oluberyeberye lwabwe (abasenze, nga tebanabajjira), (ne babeera) nga baagala abo abaasenguka okugenda gye bali (bababudamye); ne batafuna mu mitima gyabwe kwetaaga (nsaalwa na buggya) mw’ebyo ebibaweereddwa (abaasenguka), wabula ne beeresa ne batakulembeza ku kuwa (abanoonyi b’obubudamu) emyoyo gyabwe newankubadde nga baalina nabo obwetaavu. N’omuntu akuuma omutuube (omululu) gwe (ogw’okwegomba); abo bbo be bokwesiima}

Era nagamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿وَٱلسَّٰبِقُونَ ٱلۡأَوَّلُونَ مِنَ ٱلۡمُهَٰجِرِينَ وَٱلۡأَنصَارِ وَٱلَّذِينَ ٱتَّبَعُوهُم بِإِحۡسَٰنٖ رَّضِيَ ٱللَّهُ عَنۡهُمۡ وَرَضُواْ عَنۡهُ وَأَعَدَّ لَهُمۡ جَنَّٰتٖ تَجۡرِي تَحۡتَهَا ٱلۡأَنۡهَٰرُ خَٰلِدِينَ فِيهَآ أَبَدٗاۚ ذَٰلِكَ ٱلۡفَوۡزُ ٱلۡعَظِيمُ ١٠٠﴾ التوبة:

{N'abaakulembera abaasooka (mu busiraamu), mu Basenguka n'abaataasa, n'abo abaabagoberera mu kukola obulungi Allah yabasiima nabo ne bamusiima, n'abategekera ejjana nga gikulukuta wansi waayo emigga, baakutuula muyo obugenderevu n'obugenderevu. Okwo kwe kwesiima okusukkirivu}.

Bannanyini b'okulaganyisibwa okwo okulungi Allah yakimanya nti tebaligenda kwawukana na ddiini yabwe olubeerera n'olubeerera wabula bajja kugifiirako nga nebwebabanga balina ensobi zebakoze bagisigalamu,

N'okuba nti Allah abaanguyiza omulyango gw'okwenenya era n'abasonyiwa olw'okwenenya kwabwe okw'amazima okwo ssaako okuba nti balina ebirungi bingi ne ddaala erya waggulu.

B: Obujulizi obwajja mu sunnah nga bulaga obulungi bwabwe nga Nabbi (s.a.w) bye yagamba nti:

"لا تسبوا أصحابي, فوا الذي نفسي بيده لو أنفق أحدكم مثل جبل أحد ذهبا, ما بلغ مد أحدهم ولا نصيفه ".

"Temuvumanga ba swahaaba bange, ndayira (Allah) oyo awaniridde omwoyo gwange mumukono gwe, singa omu kummwe awaayo zaabu ekigero ekyenkanankana olusozi Uhudi, tasobola kwenkana omu kubo wadde (okwenkana) ekitundu kye".

Era yagamba:

"خير القرون قرني الذين بعثت فيهم "... الخ.

“ Omulembe ogusinga obulungi mulembe gwabantu bange abo be natumwaamu”

C: N’okutwaliza awamu byonna Allah byeyayogera mu Qur’aan ey’ekitiibwa mubitendo by’abamutya n’abakkiriza n’abalongoofu, n’okuwaana kwe n’okusuuta kwe gyebali, n’okusuubiza kwe empeera ey’amangu (kuno kunsi) n’eyoluvannyuma (kunkomerero) Abasooka okuyingira mu birungi ebyo mu Ummah eno, beba swahaaba b’omubaka– Allah yasiima kubo, era nga babirinako (ebirungi ebyo) omugabo omuteeketeeke omujjuvu.

D: Obujulizi obwenjawulo obuddingana mu Qur’aan ne Hadiith za Nabbi (s.a.w) nga bulaga obulungi bwabwe, n’okubawaako obujulizi nti balina eddaala lya waggulu, n’ebitendo ebijjuvu, eyo nsonga emanyiddwa mu ddiini (kubuwaze) era nga obulungi ne birungi byabwe tebikutukawo ne kalebule w’abo abaabula muba Raafidha neba Khawaariji neba Mu-utazira n’ababafaana abaabasikira mububuze ne mu bwonoonefu.

OKUSINNGANA KWA BA SWAHAABA MUBULUNGI N’E MUMITEENDERA

Kyakakata eri ba nannyini kumanya n’okukkiriza nti ba swahaaba –Allah yasiima kubo- tebali kuddaala lyerimu mubulungi, wabula buli omu kubo oba abamu mubo balina ebirungi n’emitendera mwebagwa okusinziira kukukeera kwabwe mukuyingira obusiraamu n’okusenguka n’okusenza n’okutaasa (obusiraamu), n’okulafuubana mu kubo lya Allah n’okusinziira kwebyo byebaakola eri Allah wabwe n’eri omubaka we .

A: Abasinga obulungi okutwaliza awamu beebo ab'awaayo emmaali yabwe oluberyeberye nga endagaano ye Hudayibiya (sulhu al hudayibiya) tennabaawo – eyo Allah jeyatuuma Okuggulawo / okuwangula ate ne batakoma kukuwaayo wabula ne balwana (Jihaad) Abo bbo mazima be basinga obulungi kwabo abaawaayo emmaali yabwe oluvannyuma lw'endaganno ye Hudayibira era ne balwana. Obujulizi obulaga okusinngana kwabwe mwebyo Allah yagamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿لَا يَسْتَوِي مِنكُم مَّنْ أَنفَقَ مِن قَبْلِ ٱلْفَتْحِ وَقَٰتَلَ ۚ أُو۟لَٰٓئِكَ أَعْظَمُ دَرَجَةً مِّنَ ٱلَّذِينَ أَنفَقُوا۟ مِنۢ بَعْدُ وَقَٰتَلُوا۟ ۚ وَكُلًّا وَعَدَ ٱللَّهُ ٱلْحُسْنَىٰ ۚ وَٱللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ﴿١٠﴾﴾ الحديد: ١٠

{Tebeekananankana (na balala) mu mmwe abo abaawaayo oluberyeberye nga okuwangula (Makka) tekunnabaawo (ne bateekako) n'okulwana (ku lw'okusitula ekigambo kya Allah). Abo be basinza eddaala eddene okusinga abo abawaayo emmaali yaabwe (oluvannyuma lw'okuwangula makka) era ne balwana. Wabula buli omu mubo Allah yamulagaanyisa (okumusasula) obulungi (awamu n'okusinngana mu madaala gabwe). Ne Allah amanyi ebyama by'ebyo bye mukola}.

Abonno be baakulembera aba'sooka mubaasenguka n'abaasenza (muhaajiruuna ne An swaar).

B: Era obujulizi ne bulaga okutwaliza awamu nti ba swahaaba abaasenguka nebava emakka okugenda emadiina (muhaajiruuna) bakulembezebwa ku baasenza (An swaar). Obumu kubwo Allah yagamba:

قَالَ تَعَالَى: ﴿ لَّقَد تَّابَ ٱللَّهُ عَلَى ٱلنَّبِيِّ وَٱلْمُهَٰجِرِينَ وَٱلْأَنصَارِ ﴿١١٧﴾ ﴾ التوبة:

{Mazima yakkiriza Allah okwenenya Kwa Nabbi, n'ab'asenguka (muhaajiriina) n'abaataasa (An swaar)}.

Era Allah n'agamba:

قَالَ تَعَالَى: ﴿ وَٱلَّذِينَ تَبَوَّءُو ٱلدَّارَ وَٱلْإِيمَٰنَ مِن قَبْلِهِمْ يُحِبُّونَ مَنْ هَاجَرَ إِلَيْهِمْ وَلَا يَجِدُونَ فِى صُدُورِهِمْ حَاجَةً مِّمَّآ أُوتُوا۟ وَيُؤْثِرُونَ عَلَىٰٓ أَنفُسِهِمْ وَلَوْ كَانَ بِهِمْ خَصَاصَةٌ ۚ وَمَن يُوقَ شُحَّ نَفْسِهِۦ فَأُو۟لَٰٓئِكَ هُمُ ٱلْمُفْلِحُونَ ﴿٩﴾ ﴾ الحشر:

{N'abo abaatebenkera (Ba-Answar) mukibuga (Madiina) ne mu bukkiriza oluberyeberye lwabwe (abasenze, nga tabanabajjira), (ne babeera) nga baagala abo abaasenguka okugenda gye bali (bababudamye); ne batafuna mu mitima gyabwe kwetaaga (nsaalwa na buggya) mw'ebyo ebibaweereddwa (abaasenguka), wabula ne beeresa ne batakulembeza ku kuwa (abanoonyi b'obubudamu) emyoyo gyabwe newankubadde nga b'alina nabo obwetaavu. N'omuntu akuuma omutuube gwe (ogw'okwegomba); abo bbo bebokwesiima}

Allah n'abawaana bonna wamu naye n'akulembeza abaasenguka (muhaajiruuna) ku baataasa (An swaar) mukuboogera ko nga ate okulembezebwa mukwogerwako kitegeeza kukulembezebwa mubulungi ne mumadaala, ekyo kitegeeza nti olwokuba baakulembezebwa (ab'asenguka) era bakulembezebwa mu madaala ne mubulungi –Allah yasiima kubo-

olw'ensonga nti baasalawo nebaleka emmaali yabwe n'amayumba gwabwe n'abantu baabwe n'abaana babwe ne basenguka ku lwa Allah n'omubaka we, ne kulwe ddiini yabwe, n'olw'okutaasa Allah n'omubaka we n'okwagala okulwana mu kubo lye (Jihaad), n'okusitula ekigambo kye (kibeere nga kyekiri waggulu).

OBULUNGI BWA BA SWAHAABA AB'ALWANA MULUTALO LWE BADIRI ERI ABALALA

Mu bintu ebimu kwebyo Allah byeyasukkulumya nabyo abaawerera Nabbi obweyamu obwokunywerera wamu naye (bai at Ridhuwaan) eyali e hudayibiiya mwabo abaasenguka n'abaataasa kwekuba nti Allah yasiima kubo, era nga tewali n'omu ajja kuyingizibwa muliro kwabo abaawerera Nabbi wansi w'omuti era nga baali basukka (omuwendo gwabwe) mu lukimi mu bina (1400). Ensonga eno yayogerwako buteerevu mu Qur'aan:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ لَّقَدْ رَضِيَ ٱللَّهُ عَنِ ٱلْمُؤْمِنِينَ إِذْ يُبَايِعُونَكَ تَحْتَ ٱلشَّجَرَةِ ﴿١٨﴾ ﴾ الفتح:

{Ddala Allah yasiima abakkiriza mu kiseera bwe baakuwerera obweyamu bw'okunywerera awamu naawe (nga muli) wansi w'omuti (e hudayibiiya)}.

و في صحيح مسلم من حديث جابر أن النبي صلى الله عليه وسلم قال:" لا يدخل النار أحد بايع تحت الشجرة "

Hadiith nga eri mu swahiih Musirimu nga eva ku swahaaba ayitibwa Jaabir, Nabbi (s.a.w) yagamba: " Teri n'omu yawerera Nabbi wansi w'omuti ajja kuyingizibwa

muliro.” Era nga enzikiriza ya ba ahali sunnah eri nti ba swahaaba ab’alwana mulutalo lwe Badiri n’abaawerera Nabbi (okunyerere awamu naye), bajulira kubo okuyingira ejjanah n’obutayingira mu muliro, nga era bwebajulira ku ba swahaaba bonna okutwaliza awamu kubanga a’ya bonna ebabuna. Allah yagamba nti:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿وَكُلًّا وَعَدَ ٱللَّهُ ٱلْحُسْنَىٰ ۚ ٩٥﴾ النساء

{Na bonna Allah yabalagaanyisa obulungi}

OBULUNGI BWA BA SWAHAABA EKKUMI AB’ASANYUSIBWA N’EJJANA

Ebimu ku birungi ebinene ebye yawalidde ba swahaaba ekkumi ab’asanyusibwa nabo ejjanah kwekuba nti Nabbi (s.a.w) yabanokolayo era nabalondobamu (mu bangi) n’ajulira kubo nti bakuyingira ejjanah nga tebabaliddwa era nga bebano wammanga:

1: Abubakar Swidiiq.
2: Umar bun Al Khatwaab.
3: Uthmaan bun Affaan.
4: Ali bun Abi Twalib.
5: Twalaha bun Ubaid-llah.
6: Zubair bun Al Awaam.
7: Saad bun Abi Waqaas.
8: Sa-eed bun Zubair.
9: Abdul Rahmaan bun Awuf.
10: Abu Ubaidah A’mir bun Al Jarraah.

OBULUNGI BW’ABAMU KUBO ABATALI MUBALI EKKUMI

Nga bwetukirabye waggulu nti waliwo ba swahaaba ekkumi abaasanyusibwa nabo ejjanah nga balamu, Nabwekityo waliwo ba swahaaba abalala abatali (mwabo ekkumi) Nabbi (s.a.w) beyawaako obujulizi nakakasa nti n'abo bajja kuyingizibwa mu Jjanah nga mubo mulimu bano wammanga:

1: Thaabit bun Qais bin Shumaas.

2: Uqaasha bun Muhswan

3: Abdallah bun Salaam

4: Hassan bun Ali.

5: Hussein bun Ali.

6: Ne ba maama baabakkiriza bonna okutwaliza awamu, n'abalala –Allah- beyasiima kubo abatamenyeddwa mannya gabwe wano. Nabbi okuba nti yabawaako obujulizi nakakasa nti bajja kuyingizibwa mu Jjanah kiraga obulungi bwabwe obweyawulidde gyebali nga tebulina mulala atali bbo. Era nga ekyo kyekisinga ebirungi byonna.

Okulondobwamu kwabo nebaweebwaako obujulizi nti bamu Jjanah kamu kububonero obwenkukunala obulaga okutumibwa kwa Nabbi (s.a.w) nti kutuufu kubanga buli omu kwabo eyaweebwako obujulizi nti wamu Jjanah y'asigala nga mutereevu kubukkiriza okutuusa bonna lwebaasisinkana ebyo ebyabalagaanyisibwa. Era ba ahali Sunnah bakakasa kwabo ejjanah kubanga Nabbi yagibakakasaako nga abolondobyemu (n'ayogera amannya gabwe) kubanga okukakasa kumutu yenna ejjanah oba omuliro si kye kintu omuntu kyatekamu amagezi ge (n'akipangapanga) wabula kiva eri nannyini kumanya ebyekweese (Allah).

Kati Allah Ow’ekitiibwa bw’abanga abakakasizzaako ejjanah (nga akiyisa kululimi lwa Nabbi we) tuba naffe tulina okubakakasaako ekyo ekyabakakasibwako. Ate n’omuntu yenna Nabbi (s.a.w) gwataakakasaako kuyingira Jjanah naffe tetugimukakasaako kubanga ekyo kuba kwogeza Allah kyatayogedde, naye tulowooleza abo bonna abalongoonfu mu Ummah eno empeera ennungi okuva eri Allah era n’etutiirira abo abonoonyi okuyingizibwa omuliro oba okubonyabonyezebwa.

OBULUNGI BWA BA KHALIIFA ABANA MU MITENDERA (GYABWE)

Ba ahali sunnah bonna begatta ne bagamba nti ba Khaliifa abana abalungamya be basinga obulungi mwabo (ba swahaaba) abaasenguka (Muhajiruuna), era be basinga obulungi mu Ummah eno okutwaliza awamu oluvanyuma lwa Nabbi era bbo be baminisita ba Nabbi (s.a.w), be bakoddomi be, Nabuli omu kubo kyakakata okuva ku Nabbi nti alina ebirungi bwe yeyawulidde nabyo ku banne era nga Nabbi talina muntu mulala yenna gwe yabagerageranya naye.

Era ba ahali sunnah beegatta ku bujulizi obukafu obwaddiringana (mu kujja kwabwo) nga buva ku Swahaaba ayitibwa Ali bun Abi Twalib n'abalala nti asinga obulungi mu Ummah eno oluvannyuma lwa Nabbi (s.a.w) ye Abubakar, ne kuddako Umar, naye oluvannyuma nebaawukanamu kw'ani asinga ku Uthmaan ne Ali. Abamu kubo ne bakulembeza Uthmaan ku Ali olwo Ali n'abeera mukifo ekyo kuna, ate abalala ne bakulembeza Ali ku Uthmaan, N'abalala ne basirika (tebalina gwebaakulembeza).

Ate ye **Sheikh Al Islaam Ibn Tayimiyya** –Allah amusaasire- yalaga nga ekirowoozo ky'okukulembeza Uthmaan ku Ali kye kisiinga okuba ekituufu olw'ensonga zino wammanga:

1: Obujulizi n'obuwufu obusinga obungi bulaga kya kukulembeza Uthmaan.

2: Okwegatta kwa ba swahaaba ku kukulembeza okulonda Uthmaan kubwa Khaliifa ekyo tekirina kyekitegeeza kirala okujjako okuba nti mundaba yabwe y'asinga obulungi, ensengeka yabwe mubulungi era

y'ensengeka yabwe kubwa Khaliifa. Hadiith nga eri mukitabo kya Imaam Bukhaali nga eva ku Ibn Umar yagamba:

" كنا نخير بين الناس في زمن النبي صلى الله عليه وسلم فنخي "
وعند أبي داود: نقول ورسول صلى الله عليه وسلم حي: أفضل أمة النبي صلى الله عليه وسلم أبوبكر, ثم عمر بن الخطاب , ثم عثمان "

" Twalinga tusinganya abantu kumulembe gwa Nabbi (s.a.w) nti gundi yasinga obulungi ne kuddako gundi".

Ate eri Abi Dawuuda: " Ne tugamba nga ne nabbi akyali mulamu nti: Asinga obulungi mukibiina kya Nabbi (s.a.w), Abubakar, oluvannyuma Umar bun Al Khatwaab oluvannyuma Uthmaan."

3: Kyanywerera ekigambo kya ba ahali sunnah ku kukulembeza Uthmaan oluvannyuma ne kuddako Ali nga bwe b'amukulembeza kubukulembeze. Swahaaba ayitibwa **Abdul Rahmaan bin Awuf** yagamba:

"إني نظرت في أمر الناس فلم أرهم يعدلون بعثمان "

"Mazima ddala nze n'atunula mu nsonga y'abantu ne ndaba nga tebava (mukuwagira n'okukulembeza) Uthmaan".

Abaatukulembera abalongoofu (abasalaf) bangi baayogera ne bagamba nti: ' Omuntu yenna atakulembeza Uthmaan ku Ali aba aweebudde abaasenguka n'abaataasa. Obwonno bujulizi ku kukulembeza Uthmaan ku Ali – Allah yasiima kubo bombiriri- era nti y'amusingako obulungi kubanga ba swahaaba baamukulembeza nga be beesaliddewo oluvannyuma lwokukubaganya ebirowoozo wakati wabwe, era ne Ali yali omu kwabo abayozayoza (Uthmaan nga alondeddwa kubwa Khaliifa) era ne

bamuwerera (okunyerera awamu naye) era yali alamula nga Ali waali.

N'okwegatta kwabwe okukulembeza Uthmaan ku Ali kabonero akalaga nti Ali yasinga (mu ba swahaaba) obulungi oluvannyuma lwa Uthmaan nga yagwanidde okubeera Khaliifa oluvannyuma lwe, era nga ye yali (Ali) asinga obulungi mu bantu abaali kumulembe gwa Uthmaan, era ye yamuddira mubigere (n'afuuka Khaliifa owokuna) oluvannyuma lwe.

Mubufunze enkola yaba Ahali Sunnah mukusukkulumya n'okusengeka obulungi bwa ba swahaaba oluvannyuma lwokukkiriza nti bonna balungi eri nti asinga obulungi ye:

Abubakar Swiddiiq, ne kuddako Umar Al Farooq, Naddirirwa Uthmaan bun Affaan Dhu nuurain (Nannyini bitaangaala ebbibiri). Ne kuddako Ali bun Abi Twalib Al murtadha, olwo nekuddako abasigaddewo kwabo ekkumi abaasanyusibwa nabo Ejjanah , nekuddako abo abalwaana olutalo lwe Badiri, nekuddako abo abaawerera Nabbi okuba obumu naye e hudayibiya (wansi w'omuti), nekuddako abo bonna abaasiramuka nga Makka tennaba kuggulwaawo, n'oluvannyuma nekuddako abo bonna abaasiramuka oluvannyuma lw'okuggulawo Makka era ne balwaana mukkubo lya Allah.

EBITUVUNAANYIZIBWAKO ERI BA SWAHAABA.

Ebivunaanyizibwa bya ba swahaaba eri Ummah eno byebimu kubintu ebikulu era ebyetteeka gyetuli nga mubyo mulimu bino wammanga:

Ekisooka: Okukkiririza mwebyo ebikakafu kubo mu bulungi n'ebirungi, n'okuba n'ekifuba ekigazi gyebali obutaba n'akakukuuzi konna mu mitima gyaffe, oba ensaalwa n'enge eri omu kubo.

Ekyokubiri: Okubaagala mu mitima gyaffe, n'okubogererako ebirungi n'ennimi zaffe olw'ebyo byebakulembeza, n'ebyo ebikakafu kubo mu bulungi, n'obulongoofu n'okubaagazisa Ummah eno yonna.

Ekyokusatu: Okubajjako eddiini yaffe mungeri esiinga okuba ennungi, n'okubayigirako okumanya n'okukukolerako, n'okukowoola abalala eri obusiraamu, na butya bwetukuuma ebiragiro bya Allah mukuteeka munkola n'okulekayo ebyo ebyatuganibwa , na ngeri ki gyetulina okweyisaamu eri abantu ba bulijjo, kubanga ba swahaaba – Allah yasiima kubo- be baasinga mu Ummah eno okumanya ebigendererwa mubigambo bya Allah, n'ebigendererwa by'omubaka mu Sunnah ze, era nga be b'asinga okwanguyizibwa okukolera ku Qur'aan, ne sunnah za Nabbi (s.a.w), n'okuba ababuulirize abajjuvu mu Ummah, era nga be baasinga okuba ewala n'okugoberera okwagala kwemitima gyabwe n'okuzuula mu ddiini.

Ekyokuna: Okubasabira Allah abasaasire era abasonyiwe (kwebyo ebyayitira) olw'okutuukiriza etteeka lya Allah erigamba nti:

قَالَ تَعَالَى: ﴿ وَٱلَّذِينَ جَآءُو مِنۢ بَعۡدِهِمۡ يَقُولُونَ رَبَّنَا ٱغۡفِرۡ لَنَا وَلِإِخۡوَٰنِنَا ٱلَّذِينَ سَبَقُونَا بِٱلۡإِيمَٰنِ وَلَا تَجۡعَلۡ فِي قُلُوبِنَا غِلّٗا لِّلَّذِينَ ءَامَنُواْ رَبَّنَآ إِنَّكَ رَءُوفٞ رَّحِيمٌ ۝١٠ ﴾ الحشر: ١٠

{N'abo abajja oluvannyuma lwabwe nga bagamba nti: Ai Mukama waffe tusonyiwe ffe ne baganda baffe abo ab'atukulembera mu kukkiriza, era tossa mu mitima gyaffe akakukuuzi konna kw'abo abakkiriza. Mukama waffe mazima Ggwe mukwata mpola omusaasizi}

Ekyokutaano: Okusirika kwebyo ebyaagwawo wakati wabwe (ebitaagenda bulungi) nga enjawukana, n'okukkiriza nti nabo baalafubana nga okuzuula ekituufu (Mujitahiduuna) nga bwe b'ateeba ekituufu bafuna empeera bbiri bwebatakiteeba bafuna empeera emu era ensobi yabwe ne basonyiyibwa.

Ekyomukaaga: Okwewala okusaasaanya ekyo kyonna ekibi ekyapatiikibwa kwomu kubo kubanga byonna byali bya bulimba ebyayiyizibwa abo abagoberera okwagala kw'emitima gyabwe, ab'asukka ekkomo abasosoze, kubanga ebyo ebiboogerwako tebitalina mutwe n'amagulu, okubisasaanya kuba kuddugaza mitima gy'abantu nakuteeka bukukuuzi kubo n'okubatyoboola, era kiviirako okubasunguwalira n'okubanojjola ate nga ebyo biri mu mazaambi amanene era zezimu kunsonga ezinyiza oyo amanyi ebyekweese.

Ekyomusaanvu: Okukkiriza nti kiri Haraamu (kyaziyizibwa) okubavuma oba okuvuma omu kubo, n'okukkiriza nti okubakulimira ate kye kisinga okuba Haraamu, kuba nga ekyo kuba kulimbisa Allah owekitiibwa bweyabasemba era n'abasuuta n'abasuubiza n'okubayingiza ejjanah, era nga ekyokubavuma kirimu okusiwuuka empisa eri Nabbi (s.a.w) kubanga yagaana okubavuma era kirimu okubalyazaamaanya ate nga be bamu ku mikwano gya Allah oluvannyuma lw'ababaka ne ba Nabbi. Allah owekitiibwa yagamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ وَٱلَّذِينَ يُؤۡذُونَ ٱلۡمُؤۡمِنِينَ وَٱلۡمُؤۡمِنَٰتِ بِغَيۡرِ مَا ٱكۡتَسَبُواْ فَقَدِ ٱحۡتَمَلُواْ بُهۡتَٰنٗا وَإِثۡمٗا مُّبِينٗا ٥٨ ﴾ الأحزاب: ٥٨

{N'abo abanakuwaza abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakyala awatali kye bakoze, mazima baba beetisse okuwaayiriza n'ekibi ekyeyolefu}.

Ate mu Hadiith Al qudus entuufu Allah yagamba:

" من عادى لي وليا فقد آذنته بالحرب....... ".

" Oyo yenna anyiiza mukwano gwange (akimanye nti) mulangiriddeko olutalo.... ".

OBWENKANYA N'OBWESIMBU BWABA SWAHAABA

Ba swahaaba – Allah yasiima kubo- Allah beyali ategeeza mu A'ya egamba nti:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ كُنتُمۡ خَيۡرَ أُمَّةٍ أُخۡرِجَتۡ لِلنَّاسِ ١١٠ ﴾ آل عمران:

{Muli (mwe abagoberezi ba Muhammad) ekibiina ekisingayo obulungi ekyaggyirayo eri abantu (b'ensi yonna)}

Ne a'ya egamba nti:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ وَكَذَٰلِكَ جَعَلۡنَٰكُمۡ أُمَّةٗ وَسَطٗا لِّتَكُونُواْ شُهَدَآءَ عَلَى ٱلنَّاسِ ١٤٣ ﴾ البقرة:

{Era bwekityo twa bafuula mmwe ekibiina eky'omu makkati mubeere abawa obujulizi ku bantu..}

Ba swahaaba be benkizo era abasookerera ddala okuba nti be bayingira mukukoowoolebwa okwo. Nga

era bwekyakata ku Nabbi (s.a.w) bweyagamba kubo nti gwe mulembe ogusinga obulungi mukibiina kye, era be bantu abasinga obulungi, era nti kulunaku lwenkomerero bagenda kuba nga batuukirira ebibiina nsaanvu (70), naye nga bbo bebabisinga obulungi n'ekitiibwa mu maaso ga Allah.

N'obujulizi mu Qur'aan ne Hadiith za Nabbi mukunnyonnyola obulungi n'ebirungi bya ba swahaaba n'okubasuuta, nokubasuubiza empeera ennene tosobola kububala n'obumalayo.

Era omuntu yenna atunula mubyafaayo byabwe, neyekenneenya embeera zabwe, n'obujulize obwenjawulo obuboogerako, nengeri gye b'akolamu daawa eri Allah, n'okulwaana mukkubo lye, nebawaayo emmaali yabwe nemyoyo gyabwe mukusitula ekigambo kye, n'okutaasa omubaka we, nokwolesa eddiini ye, okwo saako obukkiriza bwebaalina obwamaanyi mu Allah n'okumukkiririzaamu, n'okwanguyiriza eri ebirungi, n'okumanya okugasa, n'emirimu emirungi n'ebirala ebiringa ebyo mubitendo bye baalina ebirungi, Amanya nti mubutuufu be basinga obulungi mubantu bonna oluvannyuma lwa babaka ne ba Nabbi, era nti bebasinga mukibiina kino eddiini, n'okumanya n'okukukolerako, era nti baali kubulungamu obugolokofu, era nti tewaaliwo, tewaliiwo, tewalibaawo abeenkana mwebyo bye baakolanga – Allah yasiima kubo.

N'olwekyo ba Ahali sunnah begatta nebagamba nti ba swahaaba benkanya,besimbu, b'amazima era teri ayiza kubajjako biteendo ebyo olwobujulize bwetwalabye mu Qur'aan ne Hadiith obukkatiriza

ensonga eyo, mukubawaako obujulizi kubulungi bwabwe, n’okubatenda baamumakkati bamazima, n’ebirala. Kale nno Tetusobola kuleka kumanya okwo okweyolefu okukakafu kubo olwebyo ebigambo ebipaatiike ebibogerwako ebitalina mutwe namagulu byetumanyi nti bijjudde bulimba bwereere ebyayiyizibwa abo abagoberera okwagala kwemitima gyabwe n’ababafaanana, ababuyabuya abatamanyi era abalabe b’obosiraamu.

Era ebyogerwa ku ba swahaaba bigwa mukkowe lino wammanga:

1: Okuba nti bulimba bwennyini obwenkukunala.

2: Oba okuba nti kyaliwo naye nekyongerwamu oba nekikendezeebwamu nekifuuka ekibavumirizisa.

3: Ebituufu mubyo byali mumbeera ya kukola Ijitihaad nga aba ateebye ekituufu afuna empeera biri ate bwasobya n’atakiteeba afuna empeera emu n’ensobi eyo n’emusonyiyibwa.

Byonna ebyaliwo wakati wabwe (ebyogerwa) bwebiba nga bituufu byali mumbeera eyo (eya Ijitihaad) baweebwa ekisonyiwo kubiba tebigenze bulungi era mubeera zombiriri bafuna empeera.

Kyova olaba nti bakkaanya bannanyini mazima mwabo abesigamirwako mukwegatta kwabwe okukkiriza Okujulira kwabwe, nebinyumizibwa byabwe, n’obwenkanya n’obwesimbu bwabwe, era nti kyatteeka okubasemba nokubawaako obujulizi bonna (nti batukuvu) era n’ekiziyizibwa okubatyoboola, era nti kyatteeka okukkiriza nti bebasinga obulungi mukibiina

kino oluvannyuma lwa Nabbi (s.a.w), **Abu Zar'a – Allah amusaasire-** yagamba:

" إذا رأيت الرجل ينتقص أحدا من أصحاب النبي صلى الله عليه وسلم فأعلم أنه زنديقا".

' Bwolabanga omuntu yenna nga anojjola omu ku ba swahaaba ba Nabbi (s.a.w) omanyanga nti mwononefu'

Ekyo kiri bwekityo kubanga Qur'aan yamazima, ne Nabbi wamazima, nebyeyajja nabyo by'amazima naye nga teri yabitunyumiza byonna okujjako ba swahaaba, yenna abanojjola aba ayagala kulimbisa nakumenyawo bigambo bya Qur'aan ne Sunnah.

EMITEEKO GY'OKUVUMA BA SWAHAABA N'OKULAMULA KWA BULI GUMU KUGYO

Okuvuma ba swahaaba kulimu emiteeko gino wammanga:

Ogusooka: Okuvuma omu kubo nga yeyawulidde – Allah yasiima kubo- ate nga Qur'aan yabatukuza ne Hadiith ezenjawulo zayogera ku bulungi bwabwe, nga mubo mulimu ne Nabbi (s.a.w) beyanokolayo (nabogera ko) olwokusukkuluma kubannaabwe nga Abubakar swiddiiq, Umar, Uthmaan, A'isha, ne ba maama b'abakkiriza abasigadde – Allah yasiima kubo bonna- Okwo okuvuma bukaafiiri olwolimbisa (Qur'aan ne Sunnah) era buleetera nannyini bwo okufuluma mubusiraamu, era alina Okuttibwa singa annyonnyola (obubi bwakwo) n'asalawo okubulemerako.

Ogwokubiri: Okubavuma ebyo ebiraga nti abasinga mubo bakaafiiri oba nti bonoonefu, nga aba

Raafidha abasinga obungi bwebakola, era n'obwo bukaafiiri, kubanga nakwo kuba kulimbisa Qur'aan ne Sunnah ebyabogerako nga abatukuvu, abalongoofu era abaasimibwa n'omuntu yenna abusabuusa mu bukaafiiri bwabo abakola ebyo naye aba wamubo. Kubanga ekyo kiba kitegeeza nti ab'atutuusaako Qur'aan ne Sunnah baali bakaafiiri abonoonefu.

Ogwokusatu: Okubavuma n'okubakolimira wamu n'okubabijjiwaza mu bantu, oyo akola ekyo okumukafuwaza kirimu ebigambo ebyabamanyi bibiri. Naye nebwetuba nga tututte ekigambo ekigamba nti oyo akola ekyo si mukaafiiri kiba kyatteeka okumubonereza, oba okumusiba mukkomera okutuusa lw'afa oba okutuusa lw'amenyawo ebigambo bye neyeewaako obujulizi nti abadde alimba.

Ogwokuna: Okubavuma n'ekyo ekibaggisaamu bwesige mu ddiini yabwe nga obutiitiizi, obukodo, oyo takaafuwala naye era akangavvulwa obutaddayo kukikola, era ne **Sheikh Al Islaam ibn Tayimiyya** byatyo bweyagamba mukitabo kye ekiyitibwa Al swaarim Al mas luul, ne **Imaam Ahmada** yagamba:

" لا يجوز لأحد أن يذكر مساوئهم ولا يطعن على أحد منهم بعيب أو نقص فمن فعل ذلك أدب. فإن تاب وإلا خلى في الحبس حتى يرجع "

' Tewali muntu yenna akkirizibwa kwogera bibi byabwe wadde okulebula omu kubo nga ayogera obumogo, oba obukeendeevu bwe, yenna akola ekyo abonerezebwa, bweyenenya (ateebwa) bwatakikola alekebwa munkomyo okutuusa nga akimenyewo'.

ENZIKIRIZA YA BA AHALI SUNNA ERI BA SWAHAABA MUBUFUNZE

a: Okwagala ba swahaaba ba Nabbi (s.a.w), kubanga okubaagala kyamubukkiriza, n'okubanyigira kyabunnaanfusi, Nabbi yagamba mu hadiith emu nga ntuufu:

"آية الإيمان حب الأنصار وآية النفاق بغض الأنصار", وقال في الأنصار: "لا يحبهم إلا مؤمن ولا يبغضهم إلا منافق ".

"Akabonero kobukkiriza kwagala ba An swaar (abaataasa) n'akabonero k'obunnaanfusi kunyiigira ba An swaar"

Era nagamba kuba An swaar: "Teri abaagala okujjako omukkiriza era teri abasunguwalira okujjako omunnanfusi"

Kati bwekiba nga kiri bwe kityo kuba An swaar ate okwagala ba muhajiruuna kusukka kubanga be basinga kuba An swaar okutwaliza awamu, olwokusooka kwabwe eri obusiraamu, n'okusenguka (okuva e Makka okugenda e Madiinah), wamu n'okutaasa (obusiraamu), n'okuba nti be basooka okwogerwako mubujulizi obusinga obungi ekyo nekiraga obulungi bwabwe bonna n'okusiima kwa Allah gyebali n'okuba nti yabalagaanyisa empeera ennene eyamaanyi.

b: Okuba n'ebifuba ebyanjulukufu ebitaliimu kakukuuzi konna n'enge eri omu kubo yenna, olwokutuukiriza A'ya egamba nti:

قَالَ تَعَالَى: ﴿وَٱلَّذِينَ جَآءُو مِنۢ بَعۡدِهِمۡ يَقُولُونَ رَبَّنَا ٱغۡفِرۡ لَنَا وَلِإِخۡوَٰنِنَا ٱلَّذِينَ سَبَقُونَا بِٱلۡإِيمَٰنِ وَلَا تَجۡعَلۡ فِي قُلُوبِنَا غِلّٗا لِّلَّذِينَ ءَامَنُواْ رَبَّنَآ إِنَّكَ رَءُوفٞ رَّحِيمٌ ١٠﴾ الحشر: ١٠

{N'abo abajja oluvannyuma lwabwe nga bagamba nti: Ai Mukama waffe tusonyiwe ffe ne baganda baffe abo ab'atukulembera mu kukkiriza, era tossa mu mitima gyaffe akakukuuzi konna kw'abo abakkiriza. Mukama waffe mazima Ggwe mukwata mpola omusaasizi}

c: Okuba n'olulimi olulungi gyebali, tebalina Swahaaba wa Nabbi yenna gwe bogerako okujjako bulungi bwereere, mumbeera oyokumusuuta, n'okumuwaako obujulizi nti mulungi kubanga Nabbi, yakuuma ebitiibwa byabwe nagamba nti:

"لا تسبوا أصحابي, فوا الذي نفسي بيده لو أنفق أحدكم مثل جبل أحد ذهبا, ما بلغ مد أحدهم ولا نصيفه ".

" Temuvumanga ba swahaaba bange, ndayira (Allah) oyo awaniridde omwoyo gwange mumukono gwe, singa omu kummwe awaayo (asaddaaka) ekigero kya zaabu ekyenkana olusozi Uhudi tasobo kwenkana omu kubo wadde (okwenkana) ekitundu kye".

Mazima ddala Hadiith eyo eziyiza butereevu okuvuma ba swahaaba kati ate okubakolimira kuba kunene okusinga okubavuma nekiba nti kwekusinga okubanga kwaziyizibwa.

Hadiith nga eri mu swahiih nga eva ku Nabbi (s.a.w) yagamba:

" لعن المؤمن كقتله", وثبت عنه أنه قال: " الله الله في أصحابي لا تتخذوهم غرضا ومن آذاهم فقد آذاني , ومن آذاني فقد آذى الله, ومن آذى الله فيوشك أن يأخذه "

" Okkolimira omukkiriza kiringa kumutta ".

Era kikakafu kuye nti yagamba: " Allah Allah, mu ba swahaaba bange temubafuula nga ekyokuzannyisa oyo yenna abanyiiza aba anyiizizza nze ate annyiiza aba

anyiizizza Allah, ate anyiiza Allah tutya okuba nti ajja mukwatako ”.

Ebivunaanyizibwa byaba swahaaba eri ekibiina kino byebimu ku bivunaanyizibwa ebinene, kubanga bbo be basinga bulungi mu Ummah eno oluvannyuma lwaba Nabbi na Babaka ba Allah Okusaasira kwe kubeere gyebali bonna, era Allah asiime kuba swahaaba bonna.

D: Ba ahali sunna tebakkiriza nti waliwo sawahaaba yenna atabasobola kugwa munsobi, si kubaasooka wadde mwabo abasisinkana Nabbi (s.a.w) oluvannyuma, wabula kikkirizibwa oba kisoboka eri ba ahali sunnah okuba nti bagwa mu byonoono ebitono oba ebinene okutwaliza awamu, naye Allah owekitiibwa abasonyiwa olw’ensonga nga zino wammanga:

1: Olwo kwenenya n’abasitula nakwo amadaala.

2: Abasonyiwa olwebilungi byebaakola, Allah yagamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ وَٱلَّذِى جَآءَ بِٱلصِّدْقِ وَصَدَّقَ بِهِۦٓ ۙ أُو۟لَـٰٓئِكَ هُمُ ٱلْمُتَّقُونَ ﴿٣٣﴾ لَهُم مَّا يَشَآءُونَ عِندَ رَبِّهِمْ ۚ ذَٰلِكَ جَزَآءُ ٱلْمُحْسِنِينَ ﴿٣٤﴾ ﴾ الزمر: ٣٣ - ٣٤

{N’oyo eyajja n’amazima nagakkiriza (era n’agawagira) Abo bbo be batya Allah. Balina (okufuna) ebyo byebaagala ewali mukama waabwe. Eyo yempeera yabalongoofu}.

Are bbo – Allah yasiima kubo- b ebasinga okuba ab’amazima mu Ummah eno, mubukkiriza n’okukakasa Omubaka (nti wamazima) era nga balina bye baakulembeza okkola mubirungi ebisobola okubasonyiyisa.

3: Batuuka n'okuba nti balina okusonyiyibwa ensobi zaabwe okutasonyiyibwa balala abajja oluvannyuma lwabwe. Kikakafu nti Nabbi (s.a.w) yagamba nti: omulembe gwabwe gwe gusinga obuluungi, era nti singa omu kubo awaayo ekigero ky'olubatu kisinga obulungi eri oyo awaddeyo zaabu eyenkanankana ekigero ky'olusozi Uhudi kwabo abajja oluvannyuma lwabwe.

4: Bwekiba nti omu kubo yakola ekyonoono ekyo tukakasa nti aba yakyenenya kubanga bbo b ebasinga mu Ummah eno okutya Allah, n'okwanguyiriza okwenenya, n'okufaayo ennyo kunsonga ezisonyiyisa, n'okwewala okulemera ku byonoono.

5: N'ekirala bbo be baasooka eri obulungi, nebirungi byabwe bingi by'amaanyi, n'ebintu ebirala ebyenjawulo bye beyawulidde nabyo eri Allah, n'okubanti baagezesebwa n'ebizibu ebibasonyiyisa

6: Okuba nti be basinga okuba bannanyini kuwolerezebwa kwa Nabbi (s.a.w) nensonga endala ezisonyiyisa.

Bwekiba nga bwekityo bwekiri ku mazambi agandibabonerezezza (okuba nti basonyibwa olwebyo bwetulabye waggulu) ate butya kunsobi zebwagaamu mubutanwa, mumbeera y'okulafuubana okutuuka kukituufu fenna kyetumanyi nti bwebakituukako bafuna empeera bbiri ate bwebasobya nebatakituukako, bafuna empeera emu ate n'ensobi n'ebasonyiyibwa.

E: Ekyaletera ba ahali sunnah okwegatta kukuba nti kyatteeka okusirikira ebyo byonna ebyagwaawo wakati wa ba swahaaba – Allah yasiima kubo- mubikemo (fitina) oluvannyuma lw'okuttibwa kwa Uthmaan,

n'okwekubamu mubifuba, n'okusabira abo ab'afa ku njuyi zombiriri okusonyibwa n'okusaasirwa bye bilungi byabwe. Kyova olabanti omusalafu omu yabuuzibwa ku kuttingana okwaliwo wakati wabwe n'agamba nti: Egyo misaayi Allah yatukuza emikono gyaffe negitagisaabaana, tetulina ate kukyafuwaza nnimi zaffe nga tugyogerako. Oluvannyuma n'asoma etteka eri gamba nti:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ تِلْكَ أُمَّةٌ قَدْ خَلَتْ لَهَا مَا كَسَبَتْ وَلَكُم مَّا كَسَبْتُمْ وَلَا تُسْـَٔلُونَ عَمَّا كَانُوا۟ يَعْمَلُونَ ﴿١٣٤﴾ ﴾ البقرة: ١٣٤

{Ekyo ekibiina mazima kyayita. Kirikungula mw'ebyo bye kyakola, nammwe mwebyo bye mukoze temugenda kubuuzibwa kwebyo byebalinga bakola}

Ekyetteeka kwekukuuma ebirungi bwa ba swahaaba n'okukkiriza nti be baatusooka eri obulungi wamu n'okubibunyisa eri abalala, nokukkiriza nti teri n'omu mubo y'agenderera kusobya nga anoonya ekituufu era yenna eyakituukako alina empeera bbiri ate ataakituukako alina empeera emu era ne nsobi yamusonyibwa nga bwetwakirabwe

Era ne Hadiith ezayogerwa mukulaga obubi bwabwe ezisinga muzo zabulimba kubanga ezimu baazongeramu ate endala nezikendezebwa, nezikyusibwa ekifaananyi kyazo, kati entuufu muzo baasonyiyibwa olwokuba nti tebaagendera (kusobya). Ate nekirala ensobi zebaakola bwozigerageranya ne birungi bye baakola olaba nga ntono nnyo ku lw'okulongoosa kwabwe , n'okukkiriza Allah, no'mubaka we,

n’okusenguka, n’okulwana mukubo lya Allah, n’okumanya okugasa’ n’emirimu emirungi.

Kubanga mazima ddala oyo yenna atunuulira era n’eyekkennenya ebayafaayo byabwe nekyo kyebali ewa Allah mu bulungi n’ebirungi amanyira ddala nti byebitonde ebisinga obulungi oluvannyuma lwa Babaka ne ba Nabbi, nga tewaliiwo era tewalibaawo abenkana, era nga bbo gwe omumuli kumulembe guli ogusinga obulungi n’obutukuvu mu maaso ga Allah.

OKULABULA:

Okunnyonnyola ensobi yonna mu nsobi za ba swahaaba – Allah yasiima kubo- tekiri mumateeka ga sharia kubanga kuba kwolesa nsobi zaabwe, wabula ekyetteeka mu Ummah kwekuwabuligana, kyova olaba nti bannannyi kumanya tebagamba nti ba swahaaba tebagwa mu nsobi nga era bwebatabavunaana, ate bbo abakolera kukwagala kwemitima gyabe n’abazuula mu ddiini baddira ensobi n’okuvunaanwa ne bazifuula nga birina kutambulira wamu (nga okugamba nti bwebaba nga bagwa munsobi n’olwekyo tulina okubavunaana). Enkola yaba ahali sunnah eyo eraga bulungi nti bali mu makkati kunsonga za ba swahaaba.

OKUKAKASA KU MUNTU YENNA EJJANA OBA OMULIRO

Ba ahali sunna bajulira ku bulungi bwa ba swahaaba nga banokolayo abamu kubo, nabalala mubo mumbeera eyawamu, olwokukakata kw’obujulizi okuva

mu Qur’aan ne sunnah obukwata ku mbeera yabwe, era nga tebalina muntu yenna gwe bawaako bujulizi nti wa mu Jjanah oba wa mu muliro okujjako oyo Allah gwaba agikakasizzaako ne Nabbi n’agimukakasaako, kubanga okukakasa ku muntu yenna ejjana oba omuliro tekirina kakwate konna n’amagezi ga muntu kubanga kiri mubintu ebyekweese ebitalabwa, wabula kiva eri oyo nannyini kussa bubaka Allah atalina kuwubisibwa kwonna mu byakola, obubaka gwebuwaako obujulizi nti wamu Jjana oba wa mumuliro, Abasiraamu nabo bamuwaako obujulizi kwekyo n’oyo atalina bujulizi bwonna bumuwereeddwako n’abo tebabumuwaako.

Allah yagamba nti:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ وَمَا يَنطِقُ عَنِ ٱلْهَوَىٰٓ ﴿٣﴾ إِنْ هُوَ إِلَّا وَحْىٌ يُوحَىٰ ﴿٤﴾ ﴾ النجم: ٣ - ٤

{Era tayogera (ebyo by’abagamba) nga aggya ku kwagala kwe, okujjako nga buba bubaka obuweerezebwa gyali nga buva eri Allah}

Wabula ba Ahali sunna basuubira empeera ennungi eri abo abalongoofu era nebatiirira ebibonerezo eri abonoonyi.

Okukakasa ku muntu ejjana oba Omuliro kulimu emiteeko ebiri:

Ogusooka: Kweyawulidde; era nga kwekwo okuba kuteekeddwa ku muntu eyeyawulidde n’anokolwayo mu bangi nti wamu Jjanah oba wa mumuliro. Teri ayogerwako nti wamu Jjanah oba wa mumuliro okujjako oyo Allah gwaba ayogeddeko n’omubaka we.

Ogwokubiri: Kubuna; era nga kwekwo okuba kuteekeddwa ku bitendo nga okujulira nti buli mukkiriza wamu Jjanah oba nti buli Mukaafiiri wa mu muliro, n'ebitendo ebirala ebiringa ebyo Allah bye yafuula ensonga eyingizisa omuntu ejjanah oba omuliro.

Ekyonno kiraga obubuyabuya bwa ba Raafidha n'abafaanana abaddira ensonga nebazifuula ekyennyume kyazo ne bakakasa ku bantu omuliro ate Allah n'omubaka we bebakakasaako ejjanah, nebabaako bebakakasaako ejjanah nga ate Allah n'omubaka we tebagibakakasaangako olwenkola yabwe enfu n'obubuze bwabwe, era nga balimbisa Allah n'omubaka we kulwabo bebasunguwalira, nga boogera ku Allah n'omubakawe kulwabo bebakolimira, yensonga lwaki baalamula ku bantu abasing obulungi mu Ummah eno nti ate be basinga obubi, Kyagejja ekigambo ekiva mu bumwa bwabwe, tebayogera wabula bulimba.

Nsaba Allah owekitiibwa asse okusaasira kwe nemikisa gye eri Nabbi (s.a.w), n'eri abantu be ne ba swahaaba be bonna.

AMEEN

IslamHouse.com